## OMWANA AFIIRIDDE MU MULIRO

OMWANA omulenzi ow'emyezi ena, afiiridde mu muliro ogukutte ennyumba abazadde mwe bamulese nga bagenze okulima. Enjega eno, ebadde ku kyalo Busilaka mu muluka gw'e Bukuto mu ggombolola y'e Namitsa mu disitulikiti y'e Namisindwa, Kashon Biketi bw'afiiridde mu muliro. Omwana ono wa Bernard Biketi era okufa, nnyina Violet Nelima abadde mu nnimiro. Omwogezi wa poliisi e Mbale, Rogers Taitika, agambye nti mu nnimiro, abazadde gye baabayise ng'ennyumba etuntumuka era baagenze okutuuka ng'omwana asiridde n'eby'omu nnyumba byonna.